# Bukedde bagikwasizza emijoozi gy'emisinde gya Kabaka




Okuva ku kkono, Phiona Tamale, omumyuka asooka owa Katikkiro, Twaha Kawaase n'omukung'aanya wa Bukedde, Michael Ssebbowa mu kubakwasa emijoozi gy'emisinde gya Kabaka egy'okutunda. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

Bya P. NSIMBI NE DICKSON KULUMBA

KKAMPUNI ya Vision Group efulumya n'olupapula lwa Bukedde ne New vision mu kaweefube w'okuwagira emisinde gy'amazaalibwa ga Kabaka, ekwasiddwa emijoozi gy'okuguza abaagala okugyetabamu mu Uganda yonna.

Mu misinde gino, olupapula lwa Bukedde n'olwa New Vision ze zikwatidde bendera kkampuni ya Vision Group kyokka ng'emikitu gyayo gyonna gijja kwenyigira mu kuwagira ng'emu ku kkampuni envujjirizi z'enteekateeka eno.

Omukolo gw'okukwasa kkampuni ya Vision Group emijoozi ku Bulange e Mmengo eggulo, gwakoleddwa omumyuka asooka owa Katikkiro, Polof. Twaha Kaawaase.

Omukung'aanya w'olupapula lwa Bukedde, Michael Mukasa Ssebbowa n'akulira okutegeka ebivvulu mu kkampuni ya Vision Group, Fiona Tamale be baakiikiridde kkampuni.

Kaawaase yasinzidde wano n'atendereza Bukedde ne New Vision olw'omulimu gwe bakola ogw'okubunyisa amawulire agakwata ku Bwakabaka naddala emisinde gy'amazaalibwa ga Kabaka okuviira ddala mu ntandikwa yaagyo.

Yasabye Bannayuganda bonna okwongera okuwagira n'okuwuliriza emikutu gya Vision Group gyonna ssaako okusoma empapula z'amawulire okuli olwa Bukedde ne Newvision okwongera okumanya ebikwata ku nteekateeka z'emisinde gino n'ebigenda mu maaso mu Bwakabaka ne mu nsi yonna.

"Buli agula omujoozi guno aba atadde ettoffaali ku nteekateeka ya Kabaka ey'okulwanyisa ekirwadde kya mukenenya" Hajji Kaawaase bwe yategeezezza.

Ye omukung'aanya wa Bukedde, Ssebbowa, yakunze abantu okugenda ku kitebe kya Vision Group okufuna emijoozi gino ku 25,000 zokka, okwewala okuseerebwa ku ssaawa envannyuma.

Yagambye nti ng'oggyeeko okutunda emijoozi gino, emikutu gya Vision Group gibadde misaale mu kumanyisa abantu ku bikwata ku Bwakabaka ne mu kaweefube w'okulwanyisa akawuka ka mukenenya n'asaba abantu okwetaba mu nteekateeka okulaba nga tutuuka mu 2030 ng'ekirwadde kya mukenenya kirinnyiddwa ku nfeete.

Yagambye nti, Vision Group nga kkampuni y'amawulire esinga obunene mu ggwanga, yaakukola kyonna ekyetaagisa ng'ekolaganira wamu ne Katikkiro Charles Peter Mayiga okulaba ng'ekirooto kya Kabaka eky'okuweza abantu emitwalo 13 okugyetabamu kituukirira. Emisinde gino gyakubeerawo nga April 12, 2021, nga givujjiriddwa amakampuni okuli Olupapula lwa Bukedde ne New Vision, Airtel, IBM bank n'amalala.